NATIONAL PLANNING AUTHORITY

PLANNING FOR DEVELOPMENT

EKITONGOLE EKITEEKERATEEKERA EGGWANGA



# ENTEEKATEEKA Y'ENKULAAKULANA Y'EGGWANGA EYOKUSATU (NDPIII) 2020/21 – 2024/25

## Okulunngamya bannansi

FOR GOD AND MY COUNTRY

REPUBLIC OF UGANDA

July 2020

Uganda Vision 2040

# ENTEEKATEEKA Y'ENKULAAKULANA Y'EGGWANGA III

2020/21 – 2024/25

# Ebirimu

| | | |
|---|---|---|
| **1.** | Ensibuko y'Enteekateeka | 1 |
| **2.** | Ebiruubirirwa: Uganda Eraga Wa? | 2 |
| **3.** | Tekinologiya mu By'obulimi | 4 |
| **4.** | Okutumbula Ebyobugagga eby'Omuttaka | 6 |
| **5.** | Okukulaakulanya Okusima Amafuta | 8 |
| **6.** | Okutumbula eby'Obulambuzi | 10 |
| **7.** | Enteekateeka y'Ebyobugagga Obwensibo, Obutonde Bwensi, Embeera y'Obudde, Ettaka n'Amazzi | 12 |
| **8.** | Okukulaakulanya Emirimu gy'Obwa Nannyini (Neekolera Gyange) | 14 |
| **9.** | Eby'amakolero | 16 |
| **10.** | Eby'Entambula Ebikwatagana | 18 |
| **11.** | Enkulaakulana y'Amasannyalaze Agolubeerera | 20 |
| **12.** | Enkyuukakyuuka mu Tekinologiya w'Ebyuuma bi Kaligezi | 22 |
| **13.** | Okuzimba Ebibuga n'Amayumba | 24 |
| **14.** | Okukulaakulanya Omutindo gw'Abakozi | 26 |
| **15.** | Obuyiiya, Enkulaakulana ya Tekinologiya n'Okumukozesa mu Mirimu Egy'enjawulo | 28 |
| **16.** | Okukunga Abantu n'Okukyuusa Endowooza Zaabwe | 30 |
| **17.** | Eby'obufuzi n'Ebyokwelinda | 32 |
| **18.** | Okukyuusa Enkola y'Ebitongole bya Gavumenti | 34 |
| **19.** | Enkulaakulana y'Ebitundu | 36 |
| **20.** | Eby'obulamuzi | 37 |
| **21.** | Okukola Amateeka, Okugalondoola n'Okukiikirirwa | 38 |
| **22.** | Okuteeka Mu Nkola Pulaani y'Enkulaakulana | 40 |
| **23.** | Okulondoola n'Okupima Ebibala bya Pulaani ya NDP III | 42 |

# 1 Ensibuko y'Enteekateeka

Ekigendererwa kya Uganda mu nkulakulana kwe "kuva mu mbeera ey'obwaavu ne tufuuka eggwanga ery'omutindo omulungi mu mbbanga lya myaaka 30" Kino kituukirizibwa okuyita mu nteekateeka zenkulaakulana ze ggwanga. Enkulaakulana ye ggwanga (N DP) gwe mumuli gw'enkyuukakyuuka y'abantu n'ebyenfuna okumala abbanga eggere. Ekigendererwa kya Uganda eky'emyaaka asatu (30) kyawulwamu enteekateeka za myaaka etaano (5).

Enteekateeka eno yakusatu mu zonna ezatandikibwawo 2020/11, era ejja kutambula okuva mu 2020/1 okutuusa 2024/25. Ekiruubirirwa ky'entegeka eno (NDP III) kwekusitula omutindo gw'ebyenfuna mu maka n'okulongoosa embeera y'obulamu bwa be na Uganda nga tuyita mu kutumbula amakolero.

Eby'okuyiga ebikilu ebiwerako byagibwa mu nteekateeka ezaasooka ne ziyamba okubaga enteekateeka eno (NDP III) Mu bino mulimu ebyetaago bino:

- Okugaziya ebyo ebikola obugagga mu by'enfuna bye ggwanga.
- Okutereeza ensaasaanya ku ebyo byonna abantu byebakozesa mu bulamu.
- Okutunuulira omulimu gwa Gavumenti mu by'enkulaakulana.

**Obutabalika UGX 411,681**

*Ze ssente ezitegekeddwa okukola emirimu gya NDP III*

- Okumalawo ebizibu mu kuliyirira abantu ku nsonga ze ttaka.
- Okutendeka abakozi abalina obukugu obwetagisa
- Okusembeza gavumenti eri abantu esobole okwongera okugonjoola ebizibu byaabwe obulungi.
- Okzuula n'okuteekawo engeri endala ey'ennyingiza ze nsimbi.
- Okuteekateeka, okukola embalirira n'okubiteeka mu nkola mu ngeri engazi.

Enteeketeeka eno NDP III ya njawulo ku ezo ezaasooka (NDP I, NDP II) mu ngeri zino: yezigamiziddwa ku mirimu gye nkulaakulana nga bwe gikwatagana mu bikolebwa eby'enjawulo; gavumenti okwenyigira mu ennyo mu kulambulula enkulaakulana nga tebirekedde kusalawo kwa maanyi ga katale; okussa essira ku bantu abakozi b' emirimu n'ebyo ebibayamba okugikola. Entegeka eno eyokusatu era erimu:

- Okusunsulamu ebintu ebyenkizo ebikolebwa mu buli kitundu ku bwaakyo. Kino kiyambako okutumbula ebyobulimi n'okulongoosa omutindo.
- Enkulaakulana okuva wansi okudda waggulu okuyita mu Gombolola (Parish Development Model - PDM). Kino kiyamba abantu ba wansi okutumbula ebyenfuna mu maka ne beenyigira mu mirimu egireeta ssente.
- Okuteekamu eddembe ly'obuntu mu kutegeka n'okuteeka mu nkola ebitegekeddwa.

Eyongera okunyweeza n'okugaziya ebyatuukibwaako mu NDP I ne NDP II bino wammanga:

- Obutebenkevu mu ggwanga

- Okukubisaamu ebyenfuna bye ggwanga emirundi ebiri.
- Okutumbula ebitundibwa ebweeru we ggwanga.
- Okulongoosa mu biyamba okukola emirimu
- Okwongera okweyunira eby'obulamu n'ebyengigiriza.

NDP III era ennonya okujjawo ebizibu ebyasangibwa nga:

- Abantu abangi nga tebalina ssente ze bateeka mu bizinesi.
- Obungi bwabantu obweyongera
- Emiwendo gya masannyalaze egyawaggulu.
- Ebikozesebwa mu makolero nga bya bbeeyi nnene.
- Okulya enguzi / obukenuzi.
- Ssente ezitamala okusobola okutuusa empeereza ku bantu.
- Eby'engigiriza ebyomutindo gwa wansi, endwadde ennyinji n'amalwaaliro agatalina bulungi bikola.

NDP III yagunjibwaawo oluvannyuma lwokwebuuza ku bakwaatibwaaako bangi: gavumenti, ab'emirimu gy'obwannannyini, abantu babulijjo, ebibiina by'eddiini, bakagezimunyu n'abagabi b'obuyambi.

Ssente z'okuteeka mu nkola NDP III zibalirirwa okuba obutabalika UGX 411.681 (trillion) 67.3% ku zino za kuva mu nsawo ya gavumenti ate 32.7 za kuva mu mirimu gy'obwannannyini.

# 2 Ebiruubirirwa: Uganda Eraga Wa?

## 2.1 Ekigendererwa

Ekigenderwrwa kya NDP III kwe kwongera ku byenfuna ayabuli maka nokutumbula obulamu obulungi obwa ba na Uganda.

## 2.2 Ebiruubirirwa

1. Okutumbula omutindo mu byenkulaakulana ebikulu.
2. Okusobozesa abemirimu gyo bwa nnannyini okutumbula enkulaakulana n'okutondawo emirimu.
3. Okukuuma n'okwongera ku bungi bwebikolebwa.
4. Okwongera ku bukozi bwabantu n'embeera y'obulamu obulungi.
5. Okuteeka amaanyi mu mulimu gwa Gavumenti okulambika n'okuyamba ku nkulaakulana.

## 2.3 Eisuubirwamu ebikulu

- Ennyingiza ye nsimbi eyeyongedde mu maka.
- Obulamu bw'abantu obweyagaza.
- Amakolero agesigamye ku bulimi n'ebyobugagga ebyomuttaka.
- Okutumbula ebyobulambuzi.
- Okwongera okukozesa amagezi ga tekinologiya we byempuliziganya (ICT)

- Okweyongera kwe ttaka eririna ekyaapa.
- Emirimu gyo bwa nnannyini okweyongera.
- Okukuuma n'okweyongera ku bintu ebiyamba abantu okukola emirimu gyaabwe.
- Okwongera ku bungi bwebikolebwa.
- Okwongera okutereeza mu mpeereza ye byetaago mu bulamu. (social services).

NDP III esuubirwa okukendeeza obwaavu; amakolero gajja kwongera ku bikolebwa mu ggwanga (Gross Domestic Product – GDP); ebyobulimi bijja kutumbuka; abavuvuka abatalina mirimu bajja kukendeera; ebitundibwa ebweeru ebirongooseemu bijja kweyongera, n'amaka ageesigamye ku kulima emmere y'okulya yokka gajja kukendeera.

## 2.4 Ebyokukola ebikulu

Ebimu ku byokukola 69 mu NDP III byebino:

- Ekkolero lye bigimusa
- Okutandikawo enkola eyokufukirira ebimera n'amazzi.
- Okwongera ku busobozi bwokukozesa ebyuuma ebirima ku buli Gombolola.
- Okutumbula omutindo gwe mwaanyi.
- Okutumbula omutindo gwa caaayi
- Ekkolero reizimba Tulakita (tractor)
- Ekkolero lya yingini ze bidduka.
- Amakolero g'engoye
- Amakolero g'ebyuuma (steel)
- Eddongosezo lya mafuta e Hoima.
- Omudumu gwa mafuta mu East Africa.
- Enguudo mu bifo by'obulambuzi.
- Enguudo ze byobusuubuzi mu kitundu kyensi kino.
- Oluguudo olunene Kampala- Jinja (Express Highway)
- Omwaalo gwe Kasasa.
- Okulongoosa mu ntambula ye bidyeeri.
- Oluguudo lwe ggaali oluli ku mulembe.
- Okuteeka ensimbi mu Uganda Development Bank (UDB) ne Uganda Development Corporation (UDC).
- Kampuni y'amafuta (Uganda National Oil Company (NOC) ne kampuni ye ssimu (Uganda Telcoms (UTL)
- Okuzimba obutale ku nsalo obw'okutunda ebintu ebweeru.
- Etterekero ly'ebikwaata ku ttaka lyonna.
- Empuliziganya eya tekinologiya ekwatagana(ICT).
- Ebya Posita n'ebikwaata ku buli kitundu kya ggwanga.
- Amayumba mu Kampala aga bantu abangi.
- Awajjanjabirwa endwadde z'emitima awali ku mutindo.
- Ebifo 2 awajjanjabirwa ebizimba.
- Okutondawo Paaka za makolero.
- Okuzaawo ebibiina by'obwegassi.
- Paaka za sayansi ne tekinologiya 4
- Ebifo 40 ebitandikirwaamu eby'obusuubuzi ne tekinologiya.
- Emirimu gya bulungi bwansi (National Service)

## 2.5 Ebitegekeddwa mu NDP III

1. Amakolero ge by'obulimi
2. Okukulaakulanya ebyobuggagga obw'omuttaka.
3. Okukulaakulanya ebyamafuta.
4. Okukulaakulanya obulambuzi.
5. Obugagga obwensibo, obutonde bwensi, enkyuukakyuuka y'obudde, ettaka n'amazzi.
6. Okutumbula emirimu gya bwa nnannyini.
7. Amakolero
8. Eby'entambula ebikwaatagana, ebikozesebwa n'empeereeza.
9. Okutumbula eby'amasannyalaze.
10. Omulembe gwa Digito.
11. Ebyebibuga n'amayumba
12. Okuyimusa omutindo gwa bakozi.
13. Okutondawo Okuyiiya, tekinologiya n'okumukozesa mu ngeri ezitali zimu.
14. Okukunga abantu n'okukyuusa endowooza zaabwe.
15. Obufuzi n'obutebenkevu
16. Okukyuusa ebitongole bya gavumenti
17. Enkulakulana mu kitundu kyensi kino kyonna.
18. Okuteekawo obwenkanya.
19. Okukola amateeka, okugalabirira n'okukiikirira.
20. Okutambuza ebiteeekeddwa mu pulaani.



# 3 Tekinologiya mu By'obulimi

## Wa wetuli

Enkulaakulana ye by'obulimi eri ku 3.4 % okumala emyaaka 5 egiyise naye eri wansi wa 6% eyali essubirwa mu pulaani ya 2040 nebigendererwa bya NDP II. Pulogulaamu eno yesigamye nnyo ku mbeera y'obudde ate nga abagiddukanya abasing si bakugu. Kino kivaamu enkola nga eri wansi.

## Wa wetwaagala okutuuka

- Ebyamaguzi ebiva mu bulimi nga byeyongedde era nga birongooseemu ate nga bivuganya n'ebiva awalala.

## Tutuukayo tutya?

- Okwongera ku bungi bwe birime ne sipiidi kwebikolebwa
- Okulongoosa mu ntereka y'ebirime ebikunguddwa.
- Okwongera okubirongoosa mu makolero n'okwongerako omutindo.
- Okugaziya akatale n'okuvuganya kwe birime mu katale ka wano n'ebweeru.
- Okwongera okukunga n'okukozesa ssente eziva mu bulimi.
- Okunyweeza enkolagana y'ebitongole ollw'empeereza ennungi

## Enkyuukakyuuka zetwagala

- Okwongera ku ssente eziva mu by'obulimi – emmwaanyi, caayi, ebyennyanja, amata, ennyama, kasooli n'ebimuvaamu. Okukendeeza mu kugula ebweeru emmere y'empeke, butto, ne sukaali okuva ku miliyoni doola 931 okutuuka ku miliyoni doola 500.
- Okugaziya ebitongole.
- Okwongera ku bungi bw'ebintu abakola mu bulimi byebafulumya.
- Okwongera ku mirimu egitondebwaawo mu bulimi okutuuka ku 180,000 buli mwaaka.
- Okukendeeza ku maka ageesigamye ku kulima emmere y'okulya obuli okuva ku 68.9% okutuuka ku 55%.

**180,000**

*Gye mirimu egisuubirwa okweyongerako mu makolero g'eby'obulimi*

- Okwongera omuwendo gwa maka agalina emmere emala okuva ku 60% okutuuka ku 90%.
- Okwongera ku muwendo gwa maka agalina emmere emala okuva ku 60% okutuuka ku 90%.

## Tunakola ki okutuukiriza bino?

- Okutonndawo n'okukozesa empeereza ey'omutindo
- Okutereeza entambuza ya "Bonna Bagaggawale" (Operation Wealth Creation) mu bitongole bya Gavumenti n'okugiteeka mu mateeka.
- Okukakasa nti ebisomwa mu matendekero ge by'obulimi biteekwa mu nkola.
- Okuzaawo lisiiti za materekero g'ebyamaguzi (warehouse receipt) n'okuwanyisiganya ebyamaguzi..
- Okuteeka mu nkola Parish Development Model abalimi mwe banayambibwa okwongera ku birime byaabwe, okubikungaanya n'okubitunda. Amagombolola gajja kuba ebifo awakungaaanira obuweereza bw'ensimbi, okutunda, n'okukugaanya amawulire ge by'obulimi.

## Ebyokukola ebikulu

- Ekkolero eritabula ebigimusa n'okugunjula mu nkozesa yaabyo. Kino kijja kutumbula enkozesa okuva ku 2.5 kg okutuuka ku 25 kg buli hectare.
- Ekkolero erizimba Tulakita (tractor)
- Okuteekawo enkola y'okufukirira ebirime.
- Okukola, okugezesa n'okutunda eddagala ly'ebirime n'ebisoslo.
- Amaterekero ge birime ebikunguddwa.
- Okutumbula emmwaanyi, caayi, ebyennyanja.



# 4 Okutumbula Ebyobugagga eby'Omuttaka

## Wa wetuli?

Uganda erina ebirombe bye byuuma bingi ebitannaba kusimwa olwensonga nti obungi bwaabyo tebunannanyibwa; ababisima bangi bannasekinnoomu; amateeka agafuga ensima yaabyo tegamala, ate nga n'ebitongole bya bwa nnannyini tebinnajjumbira nnyo.

## Twagala kutuuka wa?

- Okwongera okusima n'okulongoosa ebyomu ttaka ebyenkizo tusobole okuteekawo amakolero agaleeta emirimu.

## Tunatuukayo tutya?

- Okwongera okusima ebirombe byebsimwa ebisiinga omugaso, era n'amaanyi g'enzizi ezookya (geothermal)
- Okwongera okukozesa tekinologiya asaanidde era nga wa layisi.
- Okunyweeza amateeka ge birombe n'kutendeka abakozi n'ebitongole.
- Okwongera ssente mu mirimu gy'okusima n'okulinnyisa omutindo gw'ebisimibwa mu ttaka.
- Okugaziya amakolero n'okutunda lye bintu ebiva mu ttaka.

## Enkyuukakyuuka ze twagala

- Okukendeeza ssente ezigenda mu kugla ebweeru ebyuuma (iron ne steel) okuva ku miliyoni doola 370 okutuuka ku miliyoni doola 96.
- Okukendeeza obungi bwe bigimusa ebikolebwa mu bisimwa n'omuwendo gwa 75%.
- Okwongera ku bungi n'omutindo gwa zaabu ow'okutunda ebweeru nga mulongoose okuva ku miliyoni doola 450 miliyoni okutuuka ku miliyoni doola 787.
- Okwongera ku muwendo gwa batendeke abakugu mu by'obugagga bwo mu ttaka okuva ku 108 okutuuka ku 200.
- Okwongera ku bungi bw'ekikomo (copper) obufulumizibwa okutuuka ku Tani 2,000 (2,000 metric tonnes).
- Okugatta omuwendo gw'ebisimwa mu ttaka ku muwendo gwa byonna ebifulumizibwa amakolero, gulinnye okuva ku 5% okutuka ku 7.1%.
- Okulinnyisa enkozesa ya steel eya kinnoomu okuva ku kilo 13 okutuuka ku kilo 30.
- Okuwongera ku ssente eziteekebwa mu kusima n'okulongoosa eby'obugagga eby'enkizo okuva ku biliyoni doola 0.8 okutuuka ku biliyoni doola 2.

## Tunakola ki okutuukiriza bino?

- Okutondawo n'okukozesa omutindo omulungi ogwempeereza.
- Okuzuula n'okumanya obungi bwebisimwa eby'omugaso ennyo mu ggwanga lyonna.
- Okulongoosa mu mateeka n'okuyimusa obusobozi bw'abakozi n'ebitongole mu mulimu guno.
- Okwongera amaanyi mu kusima n'okusitula omutindo.
- Okugaziya okulongoosa ebisimwa n'okubiteeka ku katale.

## Omulimu omukulu

- Okutandikawo ekkolero lya steel.



# 5 Okukulaakulanya Okusima Amafuta

## Wa wetuli?

Uganda erimu ebi pipa bya mafuta ebiwera nga obuobuwumbi 6.5 (6.5 billion barrels). Ku bungi buno, obuwumbi 1.4 (1.4 billion barrels) gasobola okusimwa. Gaasi ateeberezebwa okuba cubic fuuti obuwumbi 500 (500 billion cubic feet). Ekitongole kino kimalirizza okuzuula n'okupima amafuta era kati kiri mu mutendera gwa kuzuula bipya n'okwetegekera okusima.

## Wa gyetwagala okutuuka?

- Obugagga obuva mu mafuta obusobola okutumbula amangu ebeyenfuna mu ngeri etesalako

## Tutuukayo tutya?

- Okwanguyaako okukola amafuta ne gaasi mu ngeri etesalako.
- Okunyweeza enkola n'amateeka agafuga omulimu guno.
- Okwongera mu busobozi bwe kitongole kya mafuta ne gaasi.
- Okusobozesa bannansi okwegatta ku mulimu kw'okukola amafuta ne gaasi.
- Okuleka ama kampuni go bwa nnannyini okwenyigira mu mmulimu gwa mafuta ne gaasi.
- Okwongera ku omutindo, ebyobulamu, enkola eteriimu bubenje, n'obutonde bwe nsi.
- Okunyweeza obukuumi mu ntambuza ne mu kugaba ebikoleddwa mu amafuta.

## Enkyuukakyuuka gye twagala

- Okwongera ku materekero g'ebikoleddwa mu mafuta okuva ku liita milliyoni 99.1 (99.1 million litres) okutuuka ku liita million 150 (150 million litres).
- Okwongera ku sente eziva mu mafuuta ne gaasi okuva ku buwumbi (billion) bwa Shillings 62.9 okutuuuka ku buwumbi (billion) bwa Shillings 265.
- Emirimu mingi nga gikolebwa kampuni za ba na Uganda.
- Okukyuusa entambuza ye mirimu gye by'obugagga obwensibo okuva mu kifo kya 51.
- Okulinnyisa kwe bye nfuna ebiva mu mafuta ne gaasi n'omuwendo ogwa 2%.
- Okwongera omuwendo gwa ba nna Uganda abakola mu mafuta n egaasi okuva ku 3,400 (mu 2019) okutuuka ku 50,000.

## Tunakola ki okutuukiriza bino?

- Okunyweeza amateeka n'enkola ebifuga emirimu gino.
- Okwongera ku busobozi bwa ba na Uganda okukola emirimu gino.
- Okutumbula kampuni za bwa nnanyini mu mulimu guno.
- Okwongera ku bukuumi mu ntambuza ne ngaba y'ebikoleddwa mu mafuta.

## Emirimu emikulu

- Eddongosezo lya mafuta e Hoima.
- Omudumu gwa mafuta ogwa Afirika ye buvanjuba (East Africa Crude Oil Pipeline).



# 6 Okutumbula eby'Obulambuzi

## Wa wetuli

Bwogerageranya ne nsi ezituliraanye, Uganda erina eby'obugagga bingi eby'obulambuzi, naddala mu nsolo, eby'obuwangwa n'ebyafaayo. Erinnya ettunzi erya Uganda linafu olw'e byafaayo, eby'obufuzi n'amawulire agafulunmira ku mikutu; era temanyiddwa nnyo mu nsi yonna nga ey'ebyobulambuzi.

## Wa gyetwaagala okutuuka?

- Okufuula Uganda okuba esikiriza mu by'obulambuzi.

## Awo tutuukawo tutya?

- Okutumbula obulambuzi munda mu ggwanga.
- Okwongera ku biyamba obulambuzi (enguudo, woteeri, ..)
- Okukulaakulanya, okukuuma n'okugaziya eby'obulambuzi n'empereza yaabyo.
- Okuwa obukugu abakozi be mirimu gino n'okubateeka mu mmbeera y'obulamu mwebakolera ennungi.
- Okutumbula entambuza enkwatagana, n'obukulembeze mu by'obulambuzi.

## Enkyuukakyuuka gyetwagala

- Okwongera ku ssente eziva mu bulambuzi buli mwaaka okuva ku doola obuwumbi 1.45 (USD 1.45 billion) okutuuka ku doola obuwumbi 1.862 (USD 1.862 billion).
- Okukuuma emirimu gya bantu 667,000 abakola mu bulambuzi.
- Okwongeza ssente ezisasulwa buli mulambuzi okuva ku doola 1,052 okutuuka ku doola 1,500.
- Okukuuma omuwendo gw'abalambuzi 225,000 abava e Bulaaya: United States, Europe, Middle East, China ne Japan.
- Okutumbula omuwendo gw'abalambuzi abajja okwesanyusaamu (nga abageregeranya n'omugatte gw'abalambuzi bonna) okuva ku 20.1% okutuuka ku 30%.
- Okwongera ku ngendo z'ennyonyi nga zigenda butereevu mu Europe ne Asia okuva ku 6 okutuuka ku 15.

## Tunakola ki okutuukiriza bino?

- Okukyuusaamu n'okussa mu nkola pulaani ye ggwanga eya katale k'ebyobulambuzi.
- Okugaziya, okuyimusa omutindo n'okuddaabiriza eby'entambula eby'ekuusa ku bulambuzi.
- Okugaziya ebikola obulambuzi n'okuzuula ebipya mu ggwanga lyonna.
- Okussa mu nkola essomo lye by'obulambuzi ku Uganda Hotel and Tourism Training Institute.

## Emirimu emikulu

- Okukulaakulanya ensibuko y'omugga Kiyira n'ensozi ze Kagulu.
- Okulongoosa enguudo z'ebyobulambuzi.
- Okukulaakulanya eby'obulambuzi mu kitundu ky' ensozi za Rwenzori.
- Okukulaakulanya eby'obulambuzi mu kitundu ky'olusozi Elgon.
- Okulongoosa n'okusitula omutindo gw'ekisaawe ky'ennyonyi e Kidepo.



**Doola Obutabalika 1.862 (Usd1.862 Billion)**

*Ze ssente ezisuubirwa okuva mu bulambuzi buli mwaaka*



7

# Enteekateeka y'Ebyobugagga Obwensibo, Obutonde Bwensi, Embeera y'Obudde, Ettaka n'Amazzi

## Wa wetuli

Ebibira bya Uganda bitemeddwa nnyo. Entobazzi zirumbiddwa era ne zonoonebwa,ate nenkaayana ze ttaka zeyongedde. Bino bikendeezezza emirimu gy'obulimi ate ne byongera entalo ze ttaka, ebbula l'emmere n'endwadde. Obutonde bwensi nabwo bwonooneddwa.

## Wetwagala okutuuka

- Okukendeeza ku kwonooneka kw'obutonde n'embeera y'obudde. Okukozesa obulungi eby'obugagga eby'obutonde olwenkulaakulana eteddirira.

## Tutuukayo tutya?

- Okulaba nga amazzi agakozesebwa mu buli kimu malungi ate nga gamala.
- Okugaziya ebibira, okusimba emiti n'okukuuma entobazzi. Okusimba emiti ku nsozi enjereere n'okuzikuuma, awamu n'ensenyi omuliira ensolo z'omunsiko.
- Okutereeza n'okunyweza enkozesa y'ettaka.
- Okukuuma n'okulongoosa obutonde nga buyonjo ate nga buvaamu birungi.
- Okuwagira enkola ekendeeza omukka omubi ogwonoona empewo.
- Okukendeeza obubenje bw'obutonde obuvaamu okufiirwa obulamu n'ebyenfuna.
- Okwongera ku nyingiza ye nsimbi n'emirimu ebiva mu kulongoosa n'enkozesa ennungi eya mazzi, ebibira n'ebyobugagga ebirala ebyobutonde.

## Enkyuukakyuuka gye twagala

- Okwongera obungi bw'abantu abalina pamiti (olukusa) okukola n'okugaba amazzi, n'abbakola ku kazambi. Okugondera amateeka ga pamiti nga esabiddwa ab'obuyinza.
- Amazzi amalongoose.
- Ebibira nga bigaziye okuva ku 9.1% okutuuka ku 15%.
- Entobazzi nga zeyongedde okuva ku 8.9% okutuuka ku 9.57%
- Abalina pamiti z'obutonde nga bagondera amateeka beyongere okuva ku 40% okutuuka ku 90%.
- Okwongera ku butuufu bw'amawulire bw'embeera y'obudde okuva ku 21% okutuuka ku 40%.
- Okwongera kunkozesa ye byuuma ebikola ku mbeera y'obudde okuva ku 30% okutuuka ku 80%.


- Okwongera ku ttaka eririna ekyaapa okuva ku 21% okutuuka ku 40%.
- Okukendeeza ku nkaayana ze ttaka n'omuwendo gwa 30%

## Tunakola ki okutuukiriza bino?

- Okulongoosa mu nteekateeka, amateeka, enkwasaganya n'okulabirira amazzi wegakungaanira.
- Okulambika n'okuteeka mu nkola ensonga zonna ezikwata ku ttaka. (Land Management Information Systems).
- Okwetegekera n'okukendeeza obuzibu obuleetebwa enkyuukakyuka y'obudde.
- Okwongera amaanyi mu kusitula omutindo gw 'obutonde bwensi n'obugagga bwensibo.

## Pulojekiti enkulu ezirina okukolebwaako

- Okusimba emiti okwekikungo
- Okuwagira okubunyisa amazzi n'obuyonjo mu byaalo.
- Obuwandiike obujjuvu obukwata ku ttaka.





# 8 Okukulaakulanya Emirimu gy'Obwa Nannyini (Neekolera Gyange)

## Wa wetuli

Emirimu gya bwa nannyini gisinga kubeeramu bu kampuni obutono ennyo, obutonotono n'obwo mumakkati (MSMEs). Newankubadde eby'entambula birongoose, waliwo ebitagenda bulungi mu kufuna amasannyalaze, amazzi, ne tekinologiya we bye'mpuliziganya (ICT), awamu n'emiwendo egiyitiridde mu kuddukanya emirimu (bizinesi).

## Twagala kutuuka wa?

- Okutumbula okuvuganya mu mirimu gya bwa nannyini gireetewo enkulaakulana eya wamu.

## Tutuuka tutya okutuuka awo?

- Emiwendo egya wansi mu kukola bizinesi
- Okuwagira okukozesa ebintu bya wano mu mirimu
- Okunyweeza embeera ekolerwaamu ennungi n'okulongoosa omutindo.
- Okunyweeza obuvunanyizibwa bwa gavumenti mu kuteeka ssente mu bintu ebyomugaso ebivaamu ssente.
- Okwongera amaanyi mu mirimu gya be nekolera gyange okuwagira enkulaakulana.

## Enkyuukakyuuka ze twagala

- Okukendeeza emirimu egitali mitongole mu byenfuna bye ggwanga okuva ku 51% (mu 2018) okutuuka ku 45% mu 2024/5.
- Okwongera okuwola ssente emirimu egyenkizo egitali gya busuubuzi okuva ku 1.5% (mu 2018) okutuuka ku 3% GDP.
- Okwongera ku mirimu (contracts) egiweebwa kampuni za wano okuva ku 30% okutuuka ku 50%.
- Okwongera ku mutindo gw'ebintu ebitundibwa ebweeru okuva ku doola obukadde 3.450.7 okutuuka ku doola obukadde 4,973.

## Tunaakola ki okutuukiriza bino?


- Okuteeka ssente mu banka ze by'obusuubuzi eze ggwanga.
- Okuteeka ssente mu Uganda Development Bank n'omutemwa oguyamba obukolero bwonna mu butono bwaabwo.
- Okulongoosa obukulembeze bwa kampuni eza wano nga ziweebwa amagezi n'empereeza ye nkulaakulana.
- Gavumenti okuteeka ssente mu bizinesi ezenkizo.
- Okuwagira enkolagana ne ba nekolera gyange mu mirimu egireeta enkulakulana egy'omugaso ennyo.

## Pulojekiti enkulu ezirina okukolebwaako

- Okuteeka ssente mu Banka y'Enkulaakulana (Uganda Development Bank), Uganda Development Corporation, Uganda Telecoms (ey'essimu), n'eyamafuta Uganda National Oil Company .
- Okuwagira bu kampuni obutono ennyo, obutonotono N'obwo mu makkati mu kuvuganya.
- Okuzzaawo ebibiina by'obwegassi.

**Obukadde bwa Doola 4.973 (USD 4.973 million)**

*Ze ssente ezisuubirwa okuva mu bitundibwa ebweeru*





# 9 Eby'amakolero

## Wa wetuli

Amakolero ga Uganda galimu okusinga bino wammanga: Kukola by'amaguzi, kusima ebyuuma by'omuttaka awamu n'amayinja, , kuzimba n'ebiyamba emirimu nga amasannyalaze. Bino bireeta 27.6% ku bikolebwa byonna mu ggwanga (GDP) Ebiyamba okukola emirimu (infrastructure) tebimala bulungi (nguudo, masannyalaze, .....). Kino kirinnyisa ssente ezikozesebwa mu kukola ebyo kampuni byeteeka ku katale. Ekivaamu gy'emirimu obutatambula bulungi, n'okusala ku magoba ga kampuni.

## Wa wetwagala okutuuka

- Omuwendo gwe bintu n'ebika byaabyo ebifuluma mu makolero ga wano nga byeyongedde tuleme kubigula bweeru ate tusobole okutunda ennyo ebweeru byetukola wano.

## Tunatuuka tutya wano

- Kukulaakulanya ebiyamba (infrastructure) ku makolero agategekeddwa okutumbula eggwanga.
- Okutumbula ku mutindo gwebikolebwa okwewala okubigula ebweeru n'okusobola okutunda ebweeru.
- Okwongera ku busobozi bw'okutunda mu butale bw'omukitundu n'obwomunsi yonna.
- Okuteekawo obusobozi bwa ssente n'enkwata ye byamaguzi okusobola okutuuka mu butale bw'omukitundu n'obw'ensi yonna.
- Okwongera amaanyi mu mateeka n'ebitongole okuwagira amakolero.

## Enkyuukakyuuka ze twagala


- Okukendeeza ku nsaansaanya ku ddagala nebirala eby'obujjanjabi ebigulibwa ebweeru okuva ku milliyoni doola 285.6 (USD 285.6 million) okutuuka ku miliyoni doola 200 (USD 200 million).
- Ebintu ebikolebwa wano bisobole okulinnya mu muwendo gw'ebitundibwa ebweeru byonna okuva ku12.3% okutuuka ku19.8%.
- Okwongera ekyo amakolero kye gagatta ku byonna eby'ettunzi mu ggwanga (GDP) okuva ku 27.1% okutuuka ku28.6%.
- Okwongera emirimu gyo mu makolero kyegagatta ku mirimu gyonna emitongole okuva ku 9.8% okutuuka ku 10%.
- Okwongera abakozi mu makolero kyebagatta ku muwendo gwa bakozi bonna okuva ku 7.41% okutuuka ku 10%.
- Omuwendo gwa ssente eziva mu makolero kyezigatta ku GDP gweyongere okuva ku 8.3% okutuuka ku 10%.

## Tunakola ki okutuuka awo

- Okuzimba paaka 4 ez'amakolero ezitayonoona buttoned ate nga zirina ebyeetaago byonna.
- Okuwagira amakolero ga wano ag'eddagala ne by'obujjanjabi.
- Okuteekawo etteeka n'okuwaliriza okukozesa ebintu bya wano mu makolero.
- Okutandikawo obutale 4 ku nsalo tusobole okusuubulagana n'ensi ezituliraanye (naddala ku nsalo ya South Sudan ne Congo).

## Pulojekiti enkulu ezirina okukolebwaako

- Okuzimba paaka z'amakolero 18 mu ggwanga.
- Okuzimba obutale ku nsalo obwe bitundibwa ebweeru.
- Ekkolero erizimba yingini
- Oluguudo lw'eggaali y'omukka




GWE MUWENDO GW'EBINTU EBIKOLEBWA MU MAKOLERO GA WANO OGUSUUBIRWA OKUGATTIBWA KU BYONNA EBITUNDIBWA EBWEERU.






# 10 Eby'Entambula Ebikwatagana



## Wa wetuli

Eby'entambula mu Uganda bisinga kwesigama ku nguudo ate nga tezigabanyizibwa kyenkanyi mu ggwanga lyonna. Newankubadde nga bingi ebikoleddwa okukulaakulanya enguudo, essira kyetagisa okuteeka essira ku nguudo za disitulikiti, ez'ebibuga ne z'omubyaalo.

## We wetwagala okutuuka?

- Entambula eya buli kika, nga eyamba buli kika kyamuntu, nga yesigika.

## Awo utuukawo tutya?

- Okutumbula ebikwaata ku byentambula.
- Okusukkulumya enzirukanya y'ebyentambula n'ebikozesebwa.
- Okuwagira enkwatagana wakati w'enkozesa ye ttaka n'entegeka y'ebyentambula.
- Okukendeeza emiwendo gyebikozesebbwa mu ntambula n'empeereza.
- Okunyweeza amateeka n'enkola ag'ebikozesebwa mu ntambula.
- Okwongera okuyunga amakubo ku gannaago okusobola okutumbula ensubulagana n'ebitundu ebitwetoolodde.
- Okutumbula n'okuteeka mu nkola omutindo ogwa waggulu mu mpeereza y'eby'entambula.
- Okugatta awamu emirimu gyonna egy'eggaali y'omukka mu kitongole kya Uganda Railways Corporation.

## Enkyuukakyuuka ze twagala

- Eby'entambula ebirongooseddwa ebinakendeeza ku budde bw'okutambula mu ggwanga.
- Okukendeeza ku miwendo gy'okusaabaza ebintu.
- Okukkendeeza ku ssente ezigenda mu kuzimba buli kilometer y'oluguudo.
- Okwongera ku bungi bw'enguudo.
  - **a)** Okwongera ku nguudo za koolaaasi okuva ku 4,971 km okutuuka ku 7,500 km.
  - **b)** Okwongera ku nguudo ze ggaali okuva ku 262 km okutuuka ku 462 km.
- Okwongera ku buwangaazi bwenguudo: emyaaka 20 eza koolaasi; emyaaka 2 ezze ttaka ennungi.
- Mu buli kika kyantambula, twetaaga okukendeeza obubenje obufiiramu abantu oba mwe bafunira ebisago.

## Tukole tutya okutuuka awo?

- Okuteeka munkola entambula ey'ekintabuli ate nga ekwatagana (nnyonyi, ggaali, nguudo, mazzi).
- Okufuna ebibangirizi entambula n'ebikoozesebwa ebirala mwe binaayita.
- Okuinnyisa omutindo gw'ebyentambula okwetoloola Ennyanja Kyoga, Albert, Victoria n'omugga Nile okusobola okukwataganya amakubo.

## Pulojekiti enkulu ezirina okukolebwaako

- Enguudo eze by'obusuubuzi ezigatta ensi ezitwetoolodde.
- Okulongoosa enguudo ezo mu byaalo.
- Okuddaabiriza oluguudo lwe ggaali olukadde.
- Okukola oluguudo olunene (Expressway) olwe Kampala-Jinja.
- Okukola omwaalo gwe Bukasa.
- Okulongoosa empeereza ye bidyeeri.

**2,529**

*Kilometres bwe buwanvu bwe nguudo za gavumenti eza koolaasi obuluubirirwa*



# 11 Enkulaakulana y'Amasannyalaze Agolubeerera



## Wa wetuli?

Emiti gyegisinga okuvaamu amaanyi agafumba mu Uganda, nga abantu 85% bakozesa nku ate nga 13% bakozesa manda, naddala mu bibuga n'ebitundu ebiriraanye ebibuga. Obungi bw'amasannyalaze agakolebwa bwaali 1,182 MW mu 2019. Buli muntu bwaba nga akozesa KWh 100, kitegeeza nti Uganda y' emu ku nsi webakozesa amasannyalaze amatono ennyo mu nsi yonna.

## Wa wetwagala okutuuka

Okuwongera ku busobozi bw'okufuna n'okukozesa amaanyi amayonjo.

## Awo tutuukawo tutya?

- Okwongera okubunyisa n'okukozesa amasannyalaze.
- Okwongera ku bungi bwa masannyalaze agakolebwa.
- Okwongera okweyunira amaanyi amayonjo.
- Okukola eknkyuukakyuuka mu kitongole tukendeeze ku bungi bwa kampuni eziri mu by'amasannyalaze, emiwendo gisobole okukendeerako; okulongoosa enkola n'enkwasaganya y'emirimu.

## Enkyuukakyuuka ze twagala


- Okwongera ku nkozesa y'aasannyalaze mu maka.
- Okkwongera ku bungi bwa bantu abakozesa amasannyalaze okuva ku 24% (mu 2018/9) okutuuka ku 60%.
- Okwongera ku bungi bwa masannylaze buli muntu gakozesa.
- Okukeendeeza ku miti egitemebwa olw'okufumba okuva ku 88% (mu 2018/9) okutuuka ku 5%.
- Okwongera ku bungi bwa maanyi amayonjo agakozesebwa mu kufumba.
- Okwongera ku waya ezitambuza amasannyalaze agamaanyi okuva ku 2,354 km (mu 2018/9) okutuuka ku 4,354 km
- Okwongera ku buungi bwa gaasi ava mu mafuta.

## Tukole ki okutuuka awo?

- Okusimba ebikondo ebigaba amasannyalaze e Congo (DRC), Tanzania (mumabuka) ne South Sudan.
- Okukozesa entambula ekozesa amasannyalaze nga epikipiki n'obugaali nga bikozesa amaanyi g'enjuba.
- Okuteeka sssente mu kukola gaasi ava mu mafuta.

## Pulojekiti enkulu ezirina okukolebwaako

- Ekkolero lya LPG (Liquefied Petroleum Gas) Gaasi ava mu mafuta.
- Okwetegereza ekisoboka okukola ku polojekiti ya masannyalaze e Ayago, Oriang ne Kiba.
- Ebyuuma ebyambusa amaanyi g'amasannyalaze agakozesebwa mu makolero.
- Okugaziya entambuza y'amasannyalazen'okuddaabiriza ebyuuma ebigakolako.




GWE MUWENDO GW'ABANTU MU GGWANGA ABALUUBIRIRWA OKUFUNA AMASANNYALAZE



# 12 Enkyuukakyuuka mu Tekinologiya w'Ebyuuma bi Kaligezi

## Wa wetuli?

Mu polojekiti ya NDP II, empeereza mu mupuliziganya yeyongera okukulaakulana ku sipiidi eya 14%. Kino kyaali kikolebwa okusingira ddala ebitongole by'empuliziganya n'ebiweerezebwa ku mpewo. Wabula obumenyi bwa mateeka nga buyita mu sayansi ono bulinnye ate nga buzibu okulwaanyisa, Ne bisale bya yintaneti nabyo bikyaali waggulu.

## Wa wetwagala okutuuka?

- Okutumbula empuliziganya eyo mu bbanga eyambe ku nkulaakulana y'abantu n'eby'enfuna.

## Awo tutuukawo tutya?

- Okugaziya omutimbagano gwe bye mpuliziganya eno mu ggwanga.
- Okutumbula enkozesa y'omutimbagano (ICT) mu nkulaakulana ye ggwanga ne mu peereza.
- Okuwagira okunoonyereza ku mutimbagano gw'empuliziganya (ICT), okukola ebipya n'okutunda amagezi agazuulibwa wano.
- Okwongera ku muwendo gwa bakugu mu ICT.
- Okunyweeza enkola n'amateeka ebifuga enkozesa ya ICT.

## Enkyuukakyuuka ze twagala


- Okutumbula enkozesa ya yintaneti okuva ku 25% okutuuka ku 50%. Amaanyi ga TV ku ttaka (terrestrial television signal) galinnye okuva ku 56% okutuuka ku 95%. N'enkwatagana mu miyungagano gye ggwanga mu minisitule; mu bitongole bya gavumenti ne mu disitulikiti gyeyongere.
- Amaaanyi g'omutimbagano (National broadband coverage) nga gabuutikira 90% ekye ggwanga ku sipiidi ya 8 Mbps.
- Ebbeeyi y'ebyuuma bya ICT nga ekendedde. Era nga ne bbeeyi ya Mbps emu (1) buli mweezi ku katale ka lejaeja nako kali wansi ko.
- Okutondawo emirimu mu katale ka ICT egiwera 30,000 buli mwaaka.
- Okweyongera mu bikoleddwa mu ICT nebitundibwa, okuva ku 72 okutuuka ku282.
- Empeereza za gavumenti naga ziri ku mutimbagano.

## Tukole ki okutuuka awo?


- Okugaziya omutimbagano gubune eggawnga nga gavumenti ekolagana ne kampuni za bwa nannyini.
- Okuteeka omutimbagano mu buli bitongole eby'enfuna n'empeereza efuuke ya digito.
- Okunyweeza eby'okwerinda mu mutimbagano.
- Okutondawo akabondo k'abakugu mu ICT.

## Pulojekiti enkulu ezirina okukolebwaako

- Ebitongole nga bikwatagana ku mutimbagano.
- Namba ye ggwanga eya posita (National Postal Code). Ne byonna ebikwaata ku buli kitundu kya ggwanga.




ZE MPEEREZAA ZA GAVUMENTI EZISUUBIRWA OKUBA KU MUTIMBAGANO




KWE KUBUNYISA YINTANETI MU GGWANGA LYONNA



13

# Okuzimba Ebibuga n'Amayumba

## Wa wetuli

Okututumuka kw'ebibuga ku sipidi eya 18% kweyongedde n'ekuyisa obusobozi bwababakulembeze abawansi bwebalina mu ku kwasaganya enkulaakulana eno. Ebibuga birimu omujjuzo gw'abantu, ebikozesebwa bitono, n'enkwata ya mazzi, kazambi n'ebisasiro tematiza.

## Wa wetwagala okutuuka?

- Ebibuga ebibeeramu buli kikula kya muntu nga mulimu ebyokukola ebyomugaso okusobola okuwanirira enkulaakulana yabwe ne ye nfuna.

## Awo tunatuukawo tutya?

- Okutumbula emikisa gy'ebyenfuna mu bibuga ne tawuni.
- Okutumbula akatale k'amayumba mu bibuga.
- Okukuuma obutonde bwensi mu bibuga nga bibeeramu ekikula kya bantu bonna.

- Okunyweeza amateeka g'ebibuga, obukulembeze, enteekateeka ne bye nsimbi.
- Okukyuusa mu minisitule ya Kampala n'emiriraano, awamu ne minisitule ezikwaatibwaako zikwate bulungi ensonga z'emiriraano gy'ebibuga.

## Enkyuukakyuuka zetwagala


- Okukendeeza ebbula ly'emirimu okuva ku 14.4% okutuuka ku 9.4%.
- Okukendeeza ebbula lya mayumba eriri ku miliyoni 2.2 okukka ku 20%.
- Okukendeeza abali mu bibuga nga basula mu mugoteko ne nyumba ezitali za mulembe okuva ku 60% okudda ku 40%.
- Okukendeeza obudde omuntu bwatambulira mu miriraano gya Kampala okuva ku ddakiika 41 buli kilometer okukka ku ddakiika 35 buli kilometre.
- Okwongera ku buwanvu bwe nguudo za kolaasiokuva ku 1,229 km okulinnya ku 2,459 km.
- Okutereeza mu kukungaanya kasasiro okuva ku 30% okutuuka ku 50%.

## Tukole ki okutuukawo?

- Okuwagira okutandikawo amakolero, empeereza ne pulojekiti ezetaaga abakozi abangi okusobola okutondawo emirimu.
- Okuteekawo n'okutambuza pulaani y'okuzimba amayumba agamala ate nga si ga buwanana.
- Okukuuma n'okuzaawo ebintu eby'obutonde ebiri mu bibuga.
- Okuteeka mu nkola pulaani y'enkulaakulana ye by'enfuna eya Kampala agaziyiziddwa (Greater Kampala).

## Pulojekiti enkulu ezirina okukolebwaako

- Enyuumba z'abantu abangi nga za ssente ntonotono mu Kampala ne miriraano.
- Okutereeza ebifo by'omugotteko n'amayumba agatali ku mulembe.







# 14 Okukulaakulanya Omutindo gw'Abakozi

## Wa wetuli

Uganda yakubiri munsi yonna okubeera n'abantu ab'emyaaka emito. Wabaddewo okugenda mu maso mu bulamu bw'abazadde n'abaana, naye nga abaana bakyaafa bangi. Mu bantu abakulu (myaaka 19-64), obulwadde obustaiigibwa bweyongedde. Enjawulo ennene wakati wa bakozi abayivu n'abakozi abakugu ennyo mu mbeera y'obulwadde obutasiigibwa n'obulwadde obuzibu obusiigibwa butabangula ebyobulamu ne by'enfuna mu Uganda.

## Wa wetwagala okutuuka

- Okulinyisa omutindo gwa bakozi, ekivaamu okuvuganaya n'okulongoosa embeera y'obulamu bw'abantu bonna.


## Awo tutuukawo tutya?

- Okulongoosa emisingi gy'enkkulaakulana ya bakozi.
- Okutendeka abakozi abayivu, abakugu era nga ba mpisa (nga twesigamye nnyo ku sayansi ne tekinologiya, emirimu gy'emikono n'emizannyo).
- Okulambika obulungi sayansi, tekinologiya n'obuyiiya (awamu ne sayansi, tekinologiya, ebya yinginiya n'okubala mu masomero).
- Okulongoosa enzijanjaba y'abantu, okuziyiza obubenje ku mirimu, n'enzirukanya y'obungi bwa bantu.
- Okukeendeza okutulugunyizibwa n'obutabaawo mwenkanonkano mu kikula (mukazi oba musajja) mu bulamu b'womuntu bwonna.
- Okutumbula eby'emizanyo, ne eby'okwewummuzaamu.

## Enkyuukakyuuka ze twagala

- Obungi bw'abakozi abafuna emirimu nga bweyongedde okuva ku 34.5% okutuuka ku 55%.
- Okweyongera mu bumativu bwababakozesa okuva ku 40% okutuuka ku 65% olw'obutendeke obufunibwa mu masomero ga tekinikolo, ne ag'ebyemikono.
- Okwongerako ku myaaka omuntu gyamala mu ssomero.
- Okwongera okukyuusa mu myaaka egy'okuyiga okuva ku 6.1 okutuuka ku 11.
- Okukendeeza mu kukona kwa baana abali wansi we myaaka etaano (5) okuva ku.28.9% okukka ku 19%.

- Okukendeeza ku baana abafa nga bakazaalibwa okuva ku 27 mu buli 1,000 okutuuka ku 19 mu buli 1,000.
- Okukendeeza ku baana abafiira wansi we myaaka etaano (5) okuva ku 64 mu buli 1,000 okutuuka ku 42 mu buli 1,000.
- Okukendeeza abakyaala abafiira mu ssanya (nga bazaala) okuva ku 336 mu buli 100,000 okutuuka ku 211 mu buli 100,000.
- Okukendeeza abafa endwadde ezitasiigibwa okuva ku 40% okutuuka ku 30%.
- Okukendeeza okufa olw'endwadde embi ezisiigibwa (omusujja gw'ensiri, akafuba, siliimu) okuva ku 60% (mu 2017) okutuuka ku 30%.
- Okukendeeza abawala abafuna embuto nga tebataneetuuka okuva ku 25% (2016) okutuuka ku 15%.
- Okukendeeza mu kusosolwa olw'ekikula ky'omuntu (mukazi / musajja).
- Okwongera ku mazzi amalungi okuva ku 70% okutuuka ku 85% mu byaalo; n'okuva ku 74% okutuuka ku 100% mu bibuga.
- Okutumbula omuwendo gwa bantu abafuna obujjanjabi mu buli ndwadde.
- Okwongera omuwendo gw'abantu abali mu buzibu abasobola okukozesa yinsuwa y'obulamu okuva ku 7% okutuuka ku 15%.
- Okulongoosa eddaala (mutendera) eby'emizannyo mu nsi yonna eggwnga kweriri mu mizanyo egy'enkizo.




**GWE MUWENDO GW'ABANTU ABAFUNA EMIRIMU EMIRUNGI**

## Tukole ki okutuuka awo?

- Okunyweeza amaka; obutabanguko, obutalabirira baana, n'okubatuntuza bikendeere.
- Okuteeekawo akatale ka bakozi akatambula obulungi.
- Okwongera okugema endwadde mu baana.
- Okukozesa omutimbagano (ICT) mu kusomesa, okulambula n'okulondoola amasomero.
- Okuteekawo mu nkola amateeka agkugira okufumbiza abaana abato n'embuto mu bataneetuuka.
- Gavumenti n'ebitongole okuteekawo pulaani ey'okuyimusa omutindo gw'abakozi.
- Okutandikawo essomo (eritakka wansi wa mwaaka gumu) og'wobuwaze mu by'emikono (Technical Vocational Education & Training - TVET) oluvannyuma lwa siniya 6.
- Okukendeeza ekizibu ky'endwadde ezisiigibwa nga essira liteereddwa ku ezo enmbi ennyo.
- Okuziyiza n'okujjanjaba endwadde ezitasiigibwa.
- Okulongoosa entambuza y'ebyobulamu.
- Okulongoosa obujjanjabi bwa ba maama, abavubuka n'abaana.
- Okwongera okubunya amazzi amalungi, n'obuyonjo.
- Okulongoosa eby'endiisa n'okwewala obulabe mu mmere.
- Okutondawo n'okukola emizannyo gya ssente, okuzimba ebibiina ebiwagira okwetaba mu mizanyo.

## Pulojekiti enkulu ezirina okukolebwaako

- Eddwaliro ery'omulembe erijjanjaba endwadde z'omutima.
- Amalwaariro abiri (02) agajjanjaba ebizimba.
- Awajjanjabirwa nga mulimu ebikola n'okusindika abalwadde ennyo mu malwaaliro amanene.
- Amasomero nga galina eby'etaago ebisookerwaako n'enkola ey'omutindo.
- Obukugu obwetaagisa mu mirimu.
- Amawulire agakwaata ku katale ka bakozi.




15

# Obuyiiya, Enkulaakulana ya Tekinologiya n'Okumukozesa mu Mirimu Egy'enjawulo

## Wa wetuli?

Newnkubadde nga gavumenti ettaddewo ebitongole ebyetaagisa, amateeka n'ebikozesebwa mu kuyamba sayansi, tekinologiya n'okuyiiya, enkulaakulana ekyaali wansi.

## Wa wetwagala okutuuka?

- Okwongera okukozesa tekinologiya mu kukola ebintu ne mu mpeereza nga tuyita mu nkola ya Sayansi, tekinologiya ne n'obuyiiya (Science Technology & Inovation-STI) ekwatagana obulungi.

## Awo tutuukawo tutya?

- Okutondawo n'okuteeka mu nkola omutindo gw'empeereza mu sayansi, tekinologiya n'obuyiiya.
- Okuteeka essira ku sayansi, tekinologiya n'obuyiiya awamu ne sayansi, tekinologiya, ebya inginiya n'okubala mu masomo.
- Okunyweeza obusobozi mu kunoonyereza n'enkulaakulana era n'okubissa mu nkola.
- Okutumbula enkulaakulana n'enkozesa ya tekinologiya eyetaagisa.
- Okutereeza mu mateeka n'ebiragiro.

## Enkyuukakyuuka ze twagala

- Okusembeza ekifo kye ggwanga ku mutindo gwensi yonna mu kisaawe ky'okuyiiya okuva ku 25.3 okutuuka ku 35.
- Okwongera ku nsaasanya ya GDP egenda mu kunoonyereza n'enkulaakulana okuva ku 0.4% okutuuka ku 1%.
- Okwongera ensasaanya y'ekitongole ky'obusuubuzi egenda ku kunoonyereza n'enkulaakulana nga ekitundu kya GDP okuva ku 0.01% okutuusa ku 0.21%.
- Okwongera ku muwendo gw'obwannanyini ku biyiiye (property rights) buli mwaaka okuva ku 2 okutuuka ku 50.

## Tukole ki okutuuka awo?

- Okuwagira bakagezimunnyu n'ebitongole ebinoonyereza okufuna ebikozesebwa mu mirimu gyaabwe.
- Okutondawo n'okuteeka mu nkola enkulaakulana mu sayansi ne tekinologiya n'obbuyiiya (STI).
- Okwongera ssente mu bintu ebikulu nga obulimi, mafuta ne gaasi, ebirombe, masannyalaze, obujjanjabi, n'entambula.

## Pulojekiti enkulu ezirina okukolebwaako

- Paaka eza sayansi ne tekinologiya
- Ebitongole 40 ebiyanba ku bizinesi ezitandika obutandisi (incubators) mu nsonga za tekinologiya n'ebyobusuubuzi

**50**

*Gwe muwendo gwa certificate z'obwannannyini mu kuyiiya ebipya (intellectual rights) ezinaagabwa buli mwaaka*



# 16 Okukunga Abantu n'Okukyuusa Endowooza Zaabwe

## Wa wetuli

Waliwo obulagajjavu n'obutayagala kwenyigira mu pulogulaamu za gavumenti era kino kizibu kinene mu nkulaakulana. Bangi beesigama ku bannaabwe era okwelowooozaako bokka kirabika nnyo mu banna Uganda.

## Twagala kutuuka wa?

- Amaka, ebibinja, ne bannansi bonna nga bakkiririza mu birowoozo bye ggwanga era nga benyigira mu nkulaakulana.

## Awo tutuukawo tutya?

- Okukunga famile (ab'omumaka), abo kukyaalo, ne bannansi ku lw'enkulaakulana ye ggwanga.
- Okunyweeza ebitongole wonna mumggwanga bisobole okukunga abantu.
- Okutumbula n'okuyigiriza abantu ekirooto kye ggwnga n'empisa ennungi.
- Okukendeeza eby'obuwangwa ebikyaamu n'endowooza embi.

## Enkyuukakyuuka zetwagala


- Okutumbula obungi bw'abantu abamanyi ku pulogulaamu z'eggwanga n'ezebitundu okuva ku 30% okutuuka ku90%.
- Okwongera obungi bwa bantu abenyigira mu nkulaakulana. okutuuka ku 80%.
- Emikutu gy'amawulire gyongere okusaasaanya pulogulaamu ze ggwanga.
- Omuttima ogwa mazima n'obwerufu byeyongere.
- Entereka ya ssente n'okwenyigira mu bizinesi eya buli famile yeyongere.
- Abantu b'omubyaalo beyongere okwetaba mu by'enjigiriza, ebyobulamu, eddembe ly'abaana, obungi bwabantu, amazzi n'obuyonjo, n'ebyenfuna.
- Okutumbula okusoma kw'abakulu okuva ku 72.2% okutuuka ku 80%.
- Okukendeera kw'ebikolwa ebikyaamu ebisibuka mu buwangwa ate nga biwakanya omwenkanonkano gwa basajja n'abakazi.

## Tukole ki okutuukawo?

- Okuteekawo okukunga abantu n'okubateekamu obusobozi
- Okutandikawo n'okuteeka mu nkola enkola y mwoyo gwa ggwanga.
- Emisomo egizuukusa abantu basobole okukwaata amateeka agalwanyisa ebikolwa n'endowooza ze diini n'obuwangwa ebikyaamu era eby'omutawaana.

## Polojekiti enkulu ezirina okukolebwaako

- Pulogulaamu ya bulungi bwansi
- Okuzimba ekifo ky'ensibuko y'ebikolebwa mu Uganda
- Ebifo awayigirwa nga bwokola




GWEMUWENDO OGULUUBIRIRWA OGW'ABANTU ABASOMA NGA BAKULU



# 17 Eby'obufuzi n'Ebyokwelinda

## Wa wetuli

Gavumenti ekoze kinene okulwanyisa ebitaataganya eby'okwerinda ebiva munda mu ggwanga n' ebweeru.

## Wetwagala okutuuka

- Okwongera okuteeka ekitiibwa mu mu bufuzi obugoberera amateeka n'okufuna obusobozi okulwanyisa ebitabangula eby'okwerinda mukiseera kino n'eby'o ebitandiikiriza.

## Awo tutuukawo tutya?

- Okwongera amaanyi mu bitongole ebikuuma ddembe okwanganga ebitabangula eby'okwerinda.
- Okunyweeza enkola, amateeka n'ebitongole bibeere n'obusobozi mu bukulembeze n'ebyokwerinda.
- Okunyweeza enkola y'eby'kwerinda, amateeka, eby'obulamuzi n'ebiragiro nga abantu bennyini ba byenyigiramu.
- Okuwagira bannansi okwenyigira mu nkola ey demokulasiya.
- Okunyweeza ekitiibwa ekiteekebwa mu kiwandiiko ky'eddembe ly'obuntu (Uganda Bill of Rights).
- Okuyamba mu kukuuma abanoonyi b'obubudamu n'enkwaata y'okubasenza.
- Okwongera amaanyi mu bitongole ebikuuma ddembe okwanganga ebitabangula eby'okwerinda.
- Okutandikawo n'okussa mu nkola eya mwoyo gwa ggwanga..
- Okutumbula embeera ennungi n'amayumba ga bakuuma ddembe.
- Okunyweeza ensalo n'ebyokwerinda.
- Okunyweeza okulwanyisa obutujju.
- Okunyweeza mukumanya obubonero bw'obutabanguko n'engeri y'okubukwaatamu.
- Okunyweeza mu kulwanyisa okukukusa abantu.
- Okunyweeza enfuga n'enkozesa y'obubundu obutono n'eby'okulwanyisa ebitono.
- Okunyweeza okunoonyereza n'enkulaakulana okusobola okulwanyisa obutabanguko bw'eby'okwerinda..

## Enkyuukakyuuka ze twagala

- Okulongoosa endowooza y'abantu ku buli bwe nguzi mu bitongole bya gavumenti.
- Okutumbula obubonero bwe ggwanga mu nfuga eya demokulasiya okuva ku 6.5% okutuuka ku 8.6%.
- Okwongera ku nsasaanya mu kunoonyereza ku by'okwerinda okuva ku Silingi biliyoni 7 okutuuka ku silingi biliyoni 10.
- Okuweza 25% abantu abawandiikibwa mu magye mu mwaaka 2025.

## Tukkole ki okutuuka awo?

- Okunyweeza obusobozi obw'okulwanyisa obumenyi bw'amateeka ob'wekika ekyawaggulu nga obw'okumutimbagano.
- Okuteekawo emikutu gya mateeka n'ebiragiro, egy'okwerinda, egy'obulamuzi egisaanidde.




# 18 Okukyuusa Enkola y'Ebitongole bya Gavumenti

## Wa wetuli

Waliwo ebikoleddwa okutondawo empeereza n'omutindo gwayo okusinziirwa okupima enkola n'obuvunanyizibwa kwa bakozi ba gavumenti. Wabula kino tekikoleddwa mu bitongole byonna era ne webikoleddwai, omutindo tegulondoolwa.

## Wetwagala okutuuka

- Okulongoosa mu nkola y'ebitongole bya gavumenti mu kukola ku by'etaago bya bannansi ne bitongole byo bwanannyini.

## Awo tutuukawo tutya?

- Okunyweeza obuvunanyizibwa okusobola okufuna ebibala ebirungi mu gavumenti yonna.
- Okutereeza ebitongole bya gavumenti birongoose empeereza y'emirimu.
- Okunyweeza omulimu gwa gavumenti mu nkwaata y'abakozi okusobola okutereeza empeereza y'emirimu.
- Okwongera okugabana obuyinza n'okwegatta kw'abatuuze mu nkulaakulana y'ebitundu.
- Okutumbula obuvunanyizibwa n'obwerufu mu mpeereza y'emirimu.
- Okutondawo empeereza n'omutindo gwayo omulungi mu bitongole bya gavumenti byonna.

## Tukole ki okutuuka awo?

- Okutondawo n'okuteeka mu nkola empeereza n'omutindo gwayo omulungi.
- Okutendeka abakozi ba gavumenti mu mpeereza ya mwoyo gwa ggwanga.
- Okuteeka mu nkola Parish Development Model (Enkulaakulana esibuka ku Gombolola).

## Enkyuukakyuuka zetwagala

- Okutumbula obulungamu bwa gavumenti okuva ku bubonero 0.52 okutuuka ku 0.01.
- Okukendeeza obuli bw'enguzi nga tukozesa ekipimo ky'entunuulira y'obukenuzi, okuva ku 26% okutuuka ku 35%.
- Okulongoosa ekifaananyi kya Uganda (okusobola okusikiriza abasiga nsimbi) ku kipimo kya Global Competitive Index okuva ku 48.9 okutuuka ku 55.



# 19 Enkulaakulana y'Ebitundu

## Wa wetuli

NDP II yali esuubira okukendeezaobwaavu okuva ku19.7% mu mwaakagw'ebyensimbi2012/13 okutuuka ku 14% mu mwaaka gw'ebyensimbi 2019/20.

## Wetwagala okutuuka

- Enkulaakulana y'ebitundu eri ku misinde ate nga egabazinyibbwa mubwenkanya.

## Awo tutuukawo tutya?

- Okutumbula enkulaakulana eyesigamye ku busuubuzi bwe birime.
- Okumalawo ebiziyiza enkulaakulana mu bitundu eby'enjawulo.
- Okukulaakulanya n'okunyweeza eby'omugaso ebiri mu buli kitundu.
- Okunyweeza empima y'obukozi n'obukulembeze mu bufuzi bwe bitundu n'ebitongole bya gavumenti.

## Enkyuukakyuuka ze twagala

- Obwaavu obukendedde mu bitundu ebikyaali emabega: Karamoja, Bukedi, Bugisu, Busoga, West Nile, Acholi, Teso, Bunyoro.

## Tukole ki okutuuka awo?

- Okukunga abantu okuyingira mu bibiina by'obwegassi mu buli disitulikiti.
- Okuzimba polojekiti z'okufukirira ebirime n'ebidiba (valley dams) ebiyamba eby'obulimi omwaaka gwonna.
- Okukola amakubo amalungi agatuuka eri abantu bonna n'okutuusa eby'amaguzi mu butale.
- Okutondawo n'okuteka mu nkola enkulaakulana entongole eya buli kitundu.
- Okuttandikawo enkola y'okuwa obubonero ku mirimu gya gavumenti z'ebitundu.



# 20 Eby'obulamuzi

## Wa wetuli

Abantu bongedde obwesigwa mu bitongole by'amateeka n'obulamuzi okuva mu 2016, ne bwambuka okuva ku 49% okutuuka ku59%. Naye obwesigwa buno bukyaali wansi olw'okulwisangawo emisango, n'obuzibu mu kufuna empeereza mu kitongole kino.

## Wetwagala okutuuka

Buli muntu nga asobola okufuna empeereza y'ekitongole.

## Awo tutuukawo tutya?

- Okukyuusaamu n'okunyweeza entambuza ye mirimu gye kiramuzi.
- Okusobozesa abantu okwenyigira mu mpeereze y'emirimu gy'ekiramuzi.
- Okunyweeza amateeka n'ebiitongole olw'okulongoosa empeereza ye by'obulamuzi.
- Okwongera amaanyi mu kulwanyisa obukenuzi.

## Enkyukakyuuka ze twagala

- Obwesigwa bw'abantu mu kitongole ekiramuzi okweyongera.
- Okukendeera mu ssente omuntu zasaasaanya okufuna empeereza y'ekiramuzi.
- Okwanguyaako mu kuwulira emisango.
- Empeereza y'ekiramuzi okubuna mu bitundu bingi.
- Okwongera ku kwetengerera kw'ekitongole ekiramuzi okutuuka ku bubonero 3.8 (mumnsi yonna).

## Tukole ki okutuuka awo?

- Okukozesa ebyuuma bi kalimagezi mu mirimu gy'ebyobulamuzi ne mu kooti.
- Okuwagira kooti okusala emisango mu bintu by'enkizo nga famile, ettaka, obutonde n'emisolo.
- Okuzimba n'okuwa ebikola ebifo ebipya ebikola ku mpeereza y'ebyobulamuzi.
- Okuteekawo pulogulaamu ez'enjawulo eziwagira okwenkanankana tusobole okulwanyisa obusosoze.
- Okunyweeza enkola y'okuyamba abatesobola basobole okufuna obuweereza bwa mateeka.
- Okwongera amaanyi mu kuziyiza, okuwunyiriza, okunoonyereza, okuwuliriza n'okusala emisango gy'obukenuzi.



# 21 Okukola Amateeka, Okugalondoola n'Okukiikirirwa

## Wa wetuli

Uganda ekozesa demokulasiyi ow'okukiikirirwa, abatuuze mwebalondera abakulembeze babwe ku mutendero gw'ebitundu n'ogwe ggwanga lyonna. Abakiikirira abantu mu bufuzi bw'ebitundu ne mu paalimenti ye ggwanga balina omulimu ogw'okulondoola abafuzi mu gavumenti ze bitundu ne mu ya wakati. Ebikyaleeta obuzibu byeebino: obutamatira bulungi demokulasiya w'ebibiina ebingi, okulwiisaawo okuyisa amateeka mu paalimenti, obunafu bwa gavumenti z'ebitundu mu kukola emirimu gyazo n'obutamanya bulungi ebikwaata ku ndagaano ezifuga ensi zonna nga ne Uganda zigitwaaliramu.

## Wetwagala okutuuka

- Okwongera okuba n'obuvunanyiziba olw'obukulembeze n'enkulaakulana eby'omugaso.

## Awo tutuukawo tutya?

- Okwongera okulongoosa engeri amateeka gye gayisibwaamu kiyambe demokulaasiya n'obukulembeze obulungi okubukala.
- Okwongera amaanyi mu kulondoola, okwekenneenya embalirira n'okugaba emitemwa gya ssente.
- Okunyweeza obukiise ku mutendera gw'ebitundu n'ensi yonna.
- Okunyweeza obusobozi bwa paalimenti n'obukulembeze bw'ebitundu okukola emirimi obulungi awatali kuyingirirwa.

## Enkyuukakyuuka ze twagala

- Demokulasiya wa semateeka alongoose ku kipimo kya Democracy Index okuva ku4.94 (2020) okutuuka ku 6.50 (2025).
- Okusisinkanya ebigendererwa wakati w'embalirira zabuli mwaaka ne NDP III okuva ku 60% okituuka ku 85%.
- Bannansi okweyongera okwenyigira mu mirimu gya paalimenti ku kipimo kya Citizen Scoreboard okuva ku 53% (2021) okutuuka ku 65% ((2025).
- Okwenyigira kw'abatuuze mu by'okulonda nga kweyongedde.

## Tukole ki okutuuka awo?

- Okutondawo n'okulogoosa enkola eyanguyaako emirimu gya paalimenti n'enkiiko z'ebitundu.
- Okutumbula okwetaba kwa bantu mu by'okulonda n'emirimu emirala egy'ekuusa ku nsonga z'obuntu..
- Okwongera amaanyi mu kwetaba kwa bantu mu kukola amateeka.
- Okuwa obusobozi obukiiko bw'ebitundu okuteesa n'okuyisa pulaani n'embalirira.
- Okusobozesa paalimenti okukola omulimu gwaayo mu mbalirila ye ggwanga ebiruubirirwa bya NDP III bisobole okuteekebwa mu nkola..
- Okwongera amaanyi mu mulimu gwa paalimenti ogw'okulondoola essiga ly'obufuzi.
- Okuteekawo entabagana eya maanyi wakati wa paalimenti, obukiiko bw'ebitundu, n'abalonzi.



# 22 Okuteeka Mu Nkola Pulaani y’Enkulaakulana

## Wa wetuli

- Waliwo okugenda mu maaso mu kukola enteekateeka naye obusobozi bukyaali wansi. Kikyetagisa okuteekamu amaanyi mu ku kwataganya embalirira n’enteekateeka (plans).

## We twagala okutuuka

- Engeri NDP III gy’etekebwa mu nkola yeyongere okuba ey’omugaso.

## Awo tutuukawo tutya?


- Okwongera ku busobozi bw'okuteekateeka enkulaakulana.
- Okwongera amaanyi mu kukola embalirira n'okukungaanya ebikola.
- Okwongera amaanyi mu kuteeka mu nkola ebisaliddwaawo, essira libeere ku binavaamu.
- Okussa amaanyi mu kukwasaganya, okulondoola n'okukola lipoota.
- Okwongera amaanyi mu kitongole kye ggwnga eky'ebibalo okufulumya emiwendo egiyamba enkulaakulana y'eggwanga.
- Okuteeka amaanyi mu kunoonyereza n'okutaputa kisobole okuyamba mu nteekateeka n'okugissa mu nkola.

## Enkyukakyuuka ze twagala

- Okutuukiriza wakiri 80% eky'ebigendererwa bya NDP III.
- Okutumbula enkulaakulana ya GDP okuva ku 6.3% okutuuka ku 7% buli mwaaka..
- Okwongera ku nyingiza ye nsimbi okuva ku 15.6% okutuuka ku 18% (mu 2025) bwogipimira ku GDP.
- Okukendeeza ku mabanja g'omunda mu ggwanga agakola % y'ensaasaanya y'onna.
- Okwongera enkwatagana wakati w'embalirira (za buli mwaaka) ne NDP III okuva ku 60% okutuuka ku 80% ku mutendera gwe ggwanga n'ogwa pulogulaamu.
- Okukuumira enyongereza y'embalirira ku 3%.

## Tukole ki okutuuka awo?

- Okuyamba mu kutendeka mu bukugu bwo kuteekateeka mu minisitule za gavumenti, ebitongole byayo, ne gavumenti z'ebitundu.
- Okwanguyaako okuteeka mu nkola okukwanaganya omusolo n'empeereza.
- Empeereza annungamu.
- Okukyuusa mu mateeka agakwaatibwaako okusobola okwongera amaanyi mu kupima ebitongole, enkola, pulaani, pulogulaamu ne polojekiti.




**GWE MUWENDO OGUSINGA OBUTONO OGUSUUBIRWA MU KUTUUKIRIZA EBIGENDERERWA BYA NDP III.**




# 23 Okulondoola n'Okupima Ebibala bya Pulaani ya NDP III

Obuvunaanyizibwa bw'okuteeka mu nkola NDP III buli eri banna Uganda bonna. Abantu mu maka, abantu ba bulijjo, abali mu busuubuzi, n'ensi ezikolagana ne Uganda mu by'enkulaakulana bonna balina ekyokukola mu kussa mu nkola pulaani ya NDP:

Gavumenti ya wakati ejja kulaba nti:

- Pulaani ezokuteeka pulogulaamu mu nkola ensonga 18 ziteekeddwaawo nga ziraga engeri gyenevaamu ebibala.
- Ebitongole byonna ne minisitule za gavumenti bitandikawo era ne biteeka mu nkola pulaani nga bigoberera ebigendererwa bya NDP III.

- Embalirira zikwasaganyizibwa ne pulaani okukakasa nti ebiteekedwa mu mbalirira bikwatagana n'ebyo ebiri mu piulaani.
- Essente n'eby'etaago ebirara bitegekeddwa okuteeka pulaani mu nkola.
- Lipoota eziraga wa ensonga wezituuse mu kuteeka mu nkola pulaani eno zituuka ku buli ali mu mulimu guno.
- Obuvunaanyizibwa buluna okulagibwa.

Gavumenti z'ebitundu zijja kulaba nti:

- Zitondawo are neziteeka mu nkola pulaani ezikwatagana n'ebigendererwa bya NDP III ne pulogulaamu zaazo.
- Zilondoola ate nezikola lipoota ku ntambula ya pulaani zaazo.
- Empeereza ey'omutindo etuuka ku ba nna Uganda.
- Abantu ba bulijjo bakungibwa okwenyigira mu kuteeka pulaani mu nkola.

Banna byabusuubuzi bajja kulaba nti:

- Ba nnakibiina benyigira mu kukola embalirira.
- Bakola ku ebyo ebiragidwa mu NDP III.
- Babanja empeereza za gavument.

Abantu ba bulijjo bajja kulaba nti:

- Bakunga abatuuze okwenyigira mu kuteeka mu nkola pulaani.
- Benyigira mu kukola embalirira.
- Balondoola entambuza ya pulaani.
- Babanja obulambulukufu okuva mu gavumenti z'ebitundu n'eya wakati.

Abantu ba bulijjo bajja ... :

- Kwagala okutegeera NDP III.
- Kwenyigira mu kuteeka pulaani mu nkola.
- Kulodoola era babanje obulambulukufu okuva eri abakulembeze baabwe.
- Kwenyigira mu nkulaakulanya y'ebitundu byaabwe.

# 18

## *Ensonga eziteekeddwaawo nga ziraga engeri pulaani gyenevaamu ebibala*




**NATIONAL PLANNING AUTHORITY**
Planning House , Clement Hill Road Plot 17B,
P.O. Box 21434.Kampala - Uganda
**Tel:** +256 414 250 229 /  0312 310 730



german cooperation
DEUTSCHE ZUSAMMENARBEIT

Piblished by:

giz Deutsche Gesellschaft für Internationale Zusammenarbeit (GIZ) GmbH



**Learn more at:**

www.npa.go.ug   www.facebook.com/NPAUGANDA   #@NPA_UG   **For any queries Email:** info@npa.go.ug